

D.O.W.B.I

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

CERTIFICATE

IN MINISTRY



AMAANYI G'OKUTENDEREZA

Name/Erinnya _____

Located/ * Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
Tusangibwa * Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kagga Rd.

AMAANYI G'OKUTENDEREZA

Amaanyi ga Katonda gajjira bonna abasalawo okubuusa amaasogaabweembeera embiebetoolodden'ebatendereza Mukama. Ensonga eri nti tosobola kusosa Katonda mu kutendereza ate ye na kusembya yo mu mbeera yo.



> OKUNNYONYOLA:

Gwe mutima gwo n'emeeme yo okugulumiza n'okusanyukira Mukama kubanga olaba owereddwa omukisa. Luka 1:46-48. Omutima n'emeeme yo gweyolesa nga guyita mu zabbuli, ennyimba, ebiyiiye eby'omwoyo. Okuva 15:1. Okutendereza kugatta empulira zonna ettano ez'omuntu okuba emiryango gy'omwoyo n'emeeme. Evivuga biwerekera buwerekezi nga webiri.

>> OKUTEGERA OKUTENDEREZA:

Okusoma kuno kussa essira ku kutendereza nga eky'okulwanyisa era nga bwekiwa omukiriza obuwanguzi ku Setani. Okutendereza mbazzi eyasayasa enjazi n'enjegere ku lw'omwana wa Katonda:

- GKatonda atuula mu ttendo ly'abantu be era n'akola ebyewuunyo. Zabbuli 22:3

- Okuyita mu kutendereza ensi ejjula obulungi bwa Mukama. Zabbuli 67:5-6; Ekyamateeka 28:47-48; 2 Bassekabaka 3:15-16.
- Okutendereza mwemuyita ekigambo kya Katonda okutuula mu mitima gyaffe. Abaefeso 5:19; Abakkolosayi 3:16
- Okutendereza gwe mukisa Mukama gwatuwa okulaga essubi lyaffe. Tumutendereza olw'ebintu byakoze n'ebintu byagenda okukola. 1 Samwiri 17:37
- Okutendereza kwabo abalamu. Abafu tebatendereza Mukama. Zabbuli 115:17

>> **OKUTENDEREZA KYA KULWANYISA KYA BUTWA ERI SETANI:**

- Okutendereza kye kigaali Katonda mwatambulira okujja mu mbeera enzibu. 2 Ebyomumirembe 20:1
- Okutendereza kye kitala ekisala ennyo mu ngalo z'omukkiriza: Zabbuli 149:5-9
- Okutendereza ge maanyi agatekebwa mu kamwa k'omulokole: Zabbuli 8:2
- Okutendereza kumenya enjegere z'omukkiriza mbagirawo: Ebikolwa 16:25
- Okutendereza ke kabonero akatugatta n'eggulu ak'obuwanguzi bwaffe. Okubikkulirwa 5:9



>> **LWAKI KUTENDEREZA:**

- Kubanga essanyu lya Mukama ge maanyi gaffe. Nekkemiya 8:10
- Kubanga tulina okutunulira Mukama olw'obulokozi bwaffe. Zabbuli 57:7
- Kubanga tulina okwatula obununuzi bwaffe. Zabbuli 32:7
- Kubanga tulina okulaga okukkiriza kwaffe: Zabbuli 50:23
- Kubanga Mukama ye mununuzi waffe: Isaya 35:10

>> **EBINTU BY'OFUNA NG'OMUTENDEREZA:**


1. Katonda ajja mu bintu byo: Ebikolwa 16:25
2. Olabisibwa bulungi n'obulokozi: Zabbuli 149:1-4
3. Ogulumizibwa okuva mu kitiibwa okudda mu kirala: Kabakuku 3:17-19
4. Ofuna obulamu n'ebirala eby'obulamu: Zabbuli 37: 4
5. Okula mangu mu mwoyo: Zabbuli 27:4

>> **ABALABE B'OKUTENDEREZA:**

1. Okwemulugunya: Okuva 16:1-4
2. Omwoyo ow'okwennyika: Engero 25:20
3. Omwoyo ogutamatira: Abaruumi 8:35
4. Obutebaza: Zabbuli 92:1-4
5. Okwerabira: Zabbuli 78:10-12, 42

>> **OKUMANYA OKUTENDEREZA N'OKUTENDEREZA OKW'OMU OBA OKW'EKANISA:**

1. Zabbuli zitusaba okuyimba, okuleekana, okuba mu ngalo, okugolola emikono, okufukamira, emitima egyegudde. Wano kirabika lwatu nti okusinza mu mazima okusinzira kunkola ya Baibuli kitwaliramu omuntu yenna yenna. Okusookera ddala kya mwoyo. Eky'okubiri kya magezi era kitwaliramu empulira z'omuntu. Eky'okusatu, kya mubiri. Amaloboozi gayimusibwa, emikono gyo gikola, n'ebigere bizina n'essanyu. Kisoboka okusinza mu buwombeefu ng'omwana?
2. Mu kuyimba abantu bakulemberwa okuva mu mubiri okutuuka mu mwoyo, okuva mu byetaago okutuuka mu kusinzamumwoyo. Gunogwemulimugw'omukulembeze w'okutendereza. Bwatuusa ekyo, abeera mukulembeze w'abasinza okusinga omukulembeze w'ennyimba.
3. Okusinza kkubo mwetuyita okukyusibwa. Omusinza tayinza butakyusibwa nga asinza.
4. Katonda gwetuyimbira. Bwe tubeera abakkiriza ab'endagaano empya, buli lwetufuluma ekanisa, twalibuzizza, "Katonda twayimbye tutya?"
5. Okutendereza n'okusinza kye kiruubirirwa kya buli lunaku. Okuyita mu kusinza emyoyo gyaffe mwe gituukira ku ntiko mu bulamu era n'okufaananyizibwa Katonda.

- 
6. Okutendereza bwe bulamu obuli mu kifuba kya Kitaffe. Abantu abayiga okusinza Katonda mu ngeri ye, mu Mwoyo we, bayiga omukisa gwa Katonda ogw'okubeerawo kwe.
 7. Okutendereza kwe kugamba Katonda nti omwagala nga ye bwe yasooka oku kwagala. Kwe kujja mu birowoozo byange buli kintu kyonna okujjako ekyo kye mmanyi ku Katonda, era ng'omwana nfukamira mu maaso ge ag'ekitiibwa.
 8. Tubeera mu bulamu bw'okukkiriza nga tetumbula na kuwulira naye olw'obuyinza bw'ekigambo kya Katonda. Naye wabeerawo ebiseera Katonda mwatukiririza ekigambo kye mu ngeri ey'amaanyi nga tutendereza era n'ekifo netuwulira nga Mukama ajjudde netumanya nti ali mu makati gaffe.
 9. Bwetugenda nga tutegeera obuvunanyizibwa n'omukisa ogutuweebwa okumusinza tuyingira mu bulamu obw'enjawulo.
 10. Okutendereza kulabika nga okukuza mu mwoyo amangu. Bwetutendereza Katonda, ebirowoozo byaffe byetaaya mu kwagala, mu ssanyu, mu mirembe eby'Omwoyo Omutukuvu. Ebirowoozo byaffe bwe bitereera, twewala ebiziyiza omuntu okukula mu mwoyo. Okutendereza kwe kutambula ne Yesu okusanyusa.



11. Katonda ateeke namulondo ye awali okutendereza. Tajja kuwa kanisa etetendereza , e Choir etetendereza, oba omubulizi atatendereza, oba ekibiina ky'abalokole nga tebatendereza, mukisa.
12. Tewali kiggula nzigyi ez'omuggulu nga okutendereza kwa abaana be. Okutendereza kwa Baibuli, kwa buli kiseera, kwa lubeerera, kwa Katonda.
13. Okutendereza kususumulula ne kutulaga ensibuko y'ebirungi etusinga n'obunene. Okutendereza Katonda olw'ebizibu kitwaala okugonda okugumira buli ekijja, olwo obulamu bwa Yesu ne butodebwa mu ffe. Okutendereza kuno kwetaga okukkiriza nti mu byonna Katonda ajja kukola birungi byerere.
14. Okusinza kye kimu ku bisumuluzo eby'obwakabaka bwa Katonda. Wekitali, waliwo bingi bye tutasobola kutuuka ko mu bulamu ne Yesu.

Lined writing area for notes.



Lined writing area consisting of 25 horizontal lines for text entry.





Lined writing area consisting of 20 horizontal lines. The first three lines are partially enclosed by rounded rectangular boxes.





Lined writing area consisting of 28 horizontal lines. The first 10 lines are single-lined, and the remaining 18 lines are double-lined (left and right margins).





Blank lined writing area with a faint watermark of a person's face in the background.

